# Baggadde amasomero 3 e Mukono

Bya MUSISI KALYANKOLO

ABAKULIRA ebyenjigiriza mu disitulikiti y'e Mukono bakoze ekikwekweto ne baggala amasomero 3 agasangiddwa nga tegalina bisaanyizo.

Ekikwekweto kyakulembeddwaamu omulambuzi w'amasomero e Mukono, Isaac Gasujja ng'ali ne poliisi, nga baakikoze mu ggombolola y'e Nakisunga. Baasookedde ku Viema Junior School gye baasanze ng'embeera abayizi gye basulamu mbi, nga basula ku ttaka ate nga n'emifaliso mivundu.

Abamu ku bayizi baalabiddwaako nga bagezaako okusenda amazzi obutayingira gye basula nga n'agamu ku madirisa g'ekisulo baagazizika na biti.

Gasujja yayogeddeko eri abayizi abaababadde bawera 100 n'abalagira okudda awaka kuba essomero aliggadde okuggyako nga limaze okutuukiriza ebisaanyizo.

Wabula yasanze akaseera akazibu okuva ku ssomero, alikulira bwe yakwese ebisumuluzo bya ppiki kwe yajjidde era okuvaawo yasoose kutumya kisumuluzo kya sipeeya.

Yayolekedde Excel Kindergarten and primary school e Namayuba lye yaggadde olw'obutaba na kaabuyonjo zituukiridde ekiviirako abayizi okweyambira mu nsiko. Yagambye nti, n'ebibiina bifunda, nga lino libaddemu abaana abasoba mu 280.

Abamu ku basomesa olwalabye poliisi ne beemulula okuva ku ssomero lino. Abamu ku bazadde olutegedde nti essomero baliggadde, ne basaba Pulezidenti okubayamba amasomero nga gano galeme okuggalwa kuba gasomesa okusinga amenene.

Alikulira, Lilian Nassali yategeezeza nti, kikyamu abalambuzi b'amasomero okugaggala nga tebasoose kubalabula.

Amalala agaggaddwa kuliko; Kateente Orthodox SS, Divan Secondary school n'amalala.

MUSISI KALYANKOLO



Abayizi nga bakonkomadde wabweru w'essomero. Kozesa App ya Vision Digital Experience olabe vidiyo.